# Akulira KCCA atabukidde kkampuni ya Nabugabo Updeal ku kasasiro mu bantu

Bya ERIA LUYIMBAZI



Hajjati Buzeki (ku kkono) ng'aliko by'abuuza Kisibu owa Nabugabo (wakati) bwe baabadde e Lugala ku Lwomukaaga mu Weeyonje.

AKULIRA ekitongole kya KCCA Hajjati Sharifa Buzeki atabukidde aba kkampuni ya Nabugabo Updeal Joint Venture olw'okusolooza ssente mu bantu ate ne babalekera kasasiro ekivuddeko okwetuuma.

Kino kyaddiridde Hajjati Buzeki okugenda e Lugala mu Munisipaali y'e Lubaga mu nteekateeka ya 'Weeyonje' abatuuze ne bamutegeeza nga aba kkampuni ya Nabugabo erina okutwala kasasiro bwe baludde okumutwala ekivuddeko okubeera n'entuumu so nga basasula ssente era ne baweebwa ne lisiiti ze baggyeeyo ne bamulaga.

Abatuuze babuulidde Hajjati Buzeki nti, aba kkampuni ya Nabugabo baasemba okutwala kasasiro mu mwezi gwa December 2025 nga tebakomangawo okutuusa lwe baalabye nga ye kennyini akulira KCCA yeesitukidde okulaba embeera bw'eri.

Brenda Nakayiza, omu ku batuuze yagambye nti, omukazi wa Nabugabo yabakung'aanyamu ssente za kasasiro era n'abawa lisiiti, kyokka okuva lwe yagenda tebaddamu kulaba mukozi wa kkampuni eno ku by'okutwala kasasiro ne yeetuuma n'abantu abalala okumala gamumansa.

Oluvannyuma lw'okuwuliriza abatuuze byebamutegezezza Hajjati Buzeki yalagidde abakozi ba Nabugabo bayitibwe era kalabalaba wémirimu kya Nabugabo Mu Lubaga Jamil Kisibu natuuka namukunya ekibaviriddeko okulemwa okutwala kasasiro nga abantu bamaze okumusasulira.

Yagambye nti obutatwala kasasiro kivirako abantu okumala gamumansa kuba babera tebalina webamuteeka abalala nebamusuula mu mifulejje era nalagira kasasiro yenna aba Nabugabo bamusombe mubwangu.

Yategeezezza nti, era yasazeewo okuyita kampuni zonna eziyoola kasasiro mu Kampala mu nsisinkano okusobola okuteesa ku byókuyoola kasasiro nókumanya lwaaki kampuni zino zikola kasoobo oumuyoola okuva mu bantu.

Yagambye nti, era abayoola kasasiro balina okulambika ennaku mwe balina okumunonera abatuuze bazimanye era mmotoka zituuke mu budde kuba tebakyayagala abantu bamukung'aanyize ku makubo nga baagala mmotoka olutuuka bamutikkeko atwalibwe.

Yagasseeko nti, era KCCA egenda kuddamu okulanga n'okuyita kkampuni ezirina obusobozi bw'okuyoola kasasiro zisseemu okusaba kwazo, basobole okusunsulamu bafune abo abalina obusobozi kuba ekibuga Kampala kirina okubeera nga kiyonjo.

Akulira ebyobulamu mu KCCA, Dr. Sarah Zalwango yagambye nti, emabegako aba Nabugabo baali beekwasa nti, tebalina bifo wa kutwala kasasiro gwe bakung'aanya mu bantu nga n'olumu bategeeza nti, e Kiteezi wajjula, wabula nga kati ekifo kiri Buyala kyokka ate bakyalemeddwa okumusomba mu bantu.

Omukungu wa Nabugabo atwala Lubaga, Jamil Kisubi yategeezezza nti, wabaddewo ebisoomooza mu mwezi gwa December ne January nga bino byaweddewo kuba enguudo zibaddeko obulippagano nga olw'e Masaka ne Mityana nga oluusi mmotoka ezimutwala zisula ku makubo ate mu biseera by'okulonda nga waliwo ebifo ebimu gye babakugira okutuuka naye nga kati bino byawedde bagenda kuddamu okukola emirimu obulungi.

## Abantu kye bagamba



**Teddy Birungi :** Buli lwe balwawo okutwala kasasiro avaako ekivundu n'okwetuuma so ng'abasinga babeera bamusasulidde kati tusaba aba Nabugabo bakole.



**Hassan Kule :** Abasomba kasasiro balambike ennaku mmotoka mwe zirina okumusombera so si kugamba bantu kumuteeka ku makubo, kirwanyise n'abamumansa.



**Margaret Nakiganda :** Tuludde okulaba abatwala kasasiro ate nga twamusasulira, ekimuleese okwetuuma ssaako abeeyambisa abavubuka abamusomba ne bamusuulira abalala.



**Brenda Nakiganda :** Ssente za kasassiro twazisasula naye okumutwala ne lufuuka lutalo, twebuuza abasomba kasasiro bafa ku ssente okusinga kasasiro gwe baleka mu bantu n'ayongera obucaafu!